# 'Mwewale obugagga obw'amangu'



Ssenyonga ng'akwasa Katikkiro ebirabo bye baamuleetedde okumusiima.

Bya PATRICK KIBIRANGO

KATIKKIRO wa Buganda, Charles Peter Mayiga asabye abavubuka okutandika okukola nga bato ate beewale obugagga obw'amangu kuba buvaamu emitawaana.

Yabyogeredde ku Bulange ng'akyazizza aba kkampuni etunda n'okugula ettaka eya B. Clara.H property Service LTD abaakulembeddwaamu dayirekita waayo, Herbert Ssenyonga.

Yabasabye obutabuguutana nga bakola emirimu era bakulembeze amazima, obwerufu n'okwagala bye bakola, lwe banaatuuka ku buwanguzi.

'Mukole n'amaanyi gammwe gonna kubanga obulangira bw'omunaku kwekolera,' Mayiga bwe yabagambye.

Katikkiro yasiimye Ssenyonga olw'okuwagira ensonga za Buganda n'amusaba asigale nga yeetaba mu nteekateeka za Buganda kuba kimukakatako ng'Omuganda. Yamugambye atandikire ku misinde gya Kabaka egibindabinda.

Yabakuutidde okwegendereza nga bakola omulimu gw'ebyettaka nga beewala okulya amabanja agatalina nsonga n'okwewala ddiiru eziyinza okubazaalira leenya. Ssennyonga yagambye nti, okukyala kwabwe ewa Katikkiro ng'abakolera mu Buganda, baalabye nga kyamakulu nga baagenderedde okwebaza Katikkiro olw'emirimu ettendo gy'akolera Obuganda.

# Ensonga ezaakwasizza abakungu e Mityana

Bya KIZITO MUSOKE



Okuva ku kkono; Mukiibi, Lugendo ne Lwasampijja

AKAKIIKO akalwanyisa obuli bw'enguzi mu maka g'Obwapulezidenti aka State House Anti-Corruption Unit kakutte omumyuka wa ssentebe wa disitulikiti y'e Mityana, Annie Miriam Lugendo n'abakulira akakiiko akagaba emirimu aka District Service Commission.

Omwogezi w'akakiiko akalwanyisa enguzi, Mariam Natasha yagambye nti baakutte; Lugendo, ssentebe w'akakiiko akagaba emirimu Fred Lwasampijja, omuwandiisi Hussein Mukiibi ne mmemba Andrew Ssekibuule nga baakwatiddwa ku Lwokutaano ekiro.

Ensonga ezaabakwasizza zeekuusa ku kugabira emirimu abooluganda n'emikwano ne balekawo abasinga obusobozi. Kuno kwe bagatta n'okuggya ku bantu ssente nga babasuubizza emirimua. Bano basuubirwa okutwalibwa mu kkooti olwaleero baggulweko emisango.

Kiddiridde eyawangudde obwassentebe bwa disitulikiti eno, Joseph Luzige okuwandiikira Kaliisoliiso wa Gavumenti, amaka ga Pulezidenti n'ebitongole ebirala ng'abasaba bayimirize entegeka y'okuwandiika abakozi abapya aba disitulikiti okutuusa ng'amaze okunoonyereza ku mivuyo egyogerwako.

Luzige agamba, mu kiseera kino ng'ekisanja ky'abakulembeze kinaatera okuggwaako, akakiiko kaatadde ekirango mu mawulire ga New Vision nga baagala abakozi, kyokka ng'abalina okutwala ebifo ebyo baabafunye dda!



Luzige

Omumyuka wa ssentebe wa disitulikiti, Ann Lugendo bamulumiriza okukozesa ofiisi ye n'afunira bba, Sam Lugendo omulimu gw'okubeera omulambuzi w'amasomero mu disitulikiti wadde nga waliwo abalala abamusinga obusobozi.

Ssentebe w'akakiiko, Dr. Fred Lwasampijja bamulumiriza okulonda muwala we Teddy Namaganda eyafuulibwa akulira embeera z'abakozi mu munisipaali y'e Mityana. Ate Andrew Ssekibuule bamulumiriza okuwa abooluganda lwe basatu emirimu okuli; Joseph Lutabi omubazi w'ebitabo mu munisipaali y'e Mityana, Nanyonjo eyaweebwa ogw'obusomesa ne Zavuga Nabaweesi atalina bisaanyizo yafuulibwa mukulu wa ssomero.

Omuwandiisi w'akakiiko Hussein Mukiibi, kigambibwa nti yasooka kubeera nga y'avunaanyizibwa ku mbeera z'abakozi kyokka emivuyo gye yakolayo okuli okusala ssente ku misaala gy'abasomesa n'okubulankanya ssente za UPE, gyateekesaawo akakiiko ak'enjawulo kamunoonyerezeeko akaafulumya lipooti, kyokka n'eteteekebwa mu nkola.